**<u>25th /01/2015.</u>**

# ENJIRI NGA BWE YAWANDIIKIBWA YOKAANA, ENNYANJULA YA YESU KRISTO MUKAMA KATONDA.

Amakya ga leero tutandika emisomo mu kitabo ky'enjiri ya Yokaana mu ndagaano empya, mwe tugenda okuba n'omulamwa gw'okusomesebwa kwaffe kw'omwaaka guno mu nsomesa zaffe z'ekigambo mu service zaffe ku ssabbiiti.
Nkiwa nti kyaali kigenderere Omwoyo wa Mukama ottutandisa omwaka n'emisomo egyaava mu byawandiikibwa bya Yokaana bwe twaafuna essira ly'omulamwa **Gw'okufuna Yesu ne tubeera naye omwaka gwonna,** okuva mu ssuula ey'ekkumi nannya awamu n'okubikkulirwa kwe mu ssuula ey'okusatu.

Enjiri ya Yokaana, ye y'okuna mu njiri era mu bitabo by'endagaano empya era ye yasembayo okuwaandiikibwa, nga kigambwa y'esinga n'okusomebwa kubanga bangi beesanga basembezebbwa kumpi ne Katonda awamu n'eri Yesu Kristo mu yyo okusinga n'ekitabo kyonna ku nsi.
Yokaana kabe kasinge ye yasinga okuba okumpi era munywaanyi wa Mukama waffe Yesu Kristo, nga yatwaalibwanga mu basatu ab'okumwanjo gwe – Peetero, Yakobo ne Yokaana, naye era ng'amanyiddwa ng'oyo ey'esigamanga mu kifuba kya Yesu era oyo Yesu gwe yayagalanga.( 13:23; 19:26; 20:2 ).
N'olw'ekyo kyanditwaalibbwa mu butuufu nti nti y'asinga okusaanira ottubuulira ku Yesu Kristo amutwooleseze mu butuufu, naye kennyini atubuulira ensonga enkulu y'okuwaandiisa enjiri ye eno mu Ss. 20:30,31 ezigamba nti ……..
Ku bisolo ebina nabbi Ezekyeeri bye yalaba ng'ali ku mugga Kyebbari, era ne Yokaana bye yalaba by'eetoolodde nnamulondo, tulaba nga Omusajja yakiikirirwa njiri ya Matayo, Empologoma – Makko, Ente – Lukka era Empungu ye Yokaana.
Ng'empungu bw'emannyiddwa nti ye yokka esobola okutunuulira ekitangaala ky'omusana butereevu awatali kabasa, n'enjiri ya Yokaana bw'etyo bwe tutwaala mu buziba bw'okwoolesebwa kw'obuntu bwa Katonda ate n'ekitiibwa kye kyonna. Era mu bw'agazi bwaayo omu yagamba nti eringa ekidiba omuwere mwasobola okuzannyira ky'okka ate n'enjovu n'esobola okuwugira!
Y'enjiri etugwaanidde okusoma n'obweetoowaze bw'okumanya ku Mukama ekitugwaanidde okumukkiririzaamu sso ssi okumutegeera!

Enjiri ya Yokaana ya njawulo nnyo ku ssatu endala olw'obutabaamu ebimu ku bikulu ebizirimu; Ng'amazaalibwa ga Yesu Kristo; Okubatizibwa kwe; Okkemwebwa kwe; Eky'eggulo ekyasembayo; Ebyaali mu lusuku Gesusammene; Temuli kulinnyizibwa kwa Yesu mu ggulu; Okuwonyezebwa kwa zi daimoni oba emyooyo emikyaamu; Nate temuli lugero lwa Yesu n'olumu!
Kyokka ate Yokaana y'atuwa obutereevu bw'obutuufu bw'ebifo by'obuweereza bwa Yesu, awamu n'ebbanga ly'obuweereza bwe, ng'atuwa n'okumanyisibwa kw'ebifo bya Palastaini ne Yerusaalemi obulungi kyokka ng'enjiri yawaandiikibwa mu A.D. 100, oluvannyuma lwa Yerusaalemi okusaanyizibwaawo mu A.D.70.
Enjiri ya giwaandiikira mu Effeeso, ng'awaandiikira Abayudaaya awamu n'Abayonaani.

Yokaana ayita ebyaamagero bya Yesu obubonero, okuba nti tebyaali bikolwa bya kwaagala na kufaayo kwokka wabula okw'olesebwa kw'ekitiibwa ky'obwannamaddala bwa Katonda okuba mu byaabulijjo by'abantu. Ng'ekyaamagero kye Kkaana kye kyaasooka era nga ye yekka eyakiwaandiikako, era mu Ss. 2:11 lugamba nti…..
Eri Yokaana ebyaamagero byagobererwanga nsomesa za Yesu, okututegeeza nti tebyaali bikolwa bukolwa wabula amadirisa g'obwannamaddala bwa kki Yesu kyeyalinga era kyaali, kyeyakolanga era kyaakola, ng'omusomesa omulungi awa eky'okulabirako nga bwasomesa, olwo buli omu akakase ebimusomesebwa okuba ebya nnamaddala. Bwe yaliisa enkumi ettaano – N'asomesa ku mugaati gw'obulamu( Ss.6), Bwe yawonya muzibe – N'asomesa ku kitaangaala ky'ensi( Ss.9), Bwe yazuukiza Lazaalo – Ku kuzuukira n'obulamu(Ss.11), n'ebirala.
Era entakera Yokaana atuwa okubikkulirwa kwa Yesu gyetuli nga "Nze Ndi" kye tumanyi Katonda Kitaffe kye yagamba Musa agambe abaana ba Isiraeli, nga Musa amubuuza erinnya lye ly'anaabanjulira.(Okuva 3). [Obutuufu bw'ebyo bye tujja okulaba ng'abagamba nti nga Ibulayiimu tannaba naliwo…. Bbo ne baagala mukuba mayinja… kubanga era nga bwe tunaalaba "Yajja eri ababe bbo ne bamugaana"].
N'olw'ekyo oluvannyuma lw'enjiri endala essatu okubaawo, Yokaana atuwa okubikkulirwa kw'omwoyo, kw'ebyafaayo by'obulamu n'obuweereza bwa Yesu Kristo, ssi kannakamu ku byamufaako kubanga abajulirwa abasatu baali bamala okkakasa ensonga y'okubaawo kwe awamu n'obuweereza bwe mu butuufu.

Ne Makko eyawandiika ebya Peetero Omutume. N’olw’ekyo enjiri ya Yokaana yali ya mwooyo sso ssi yabyaafaayo byokka. Olw’okuba yawaandiikibwa oluvannyuma lw’okufumiitiriza awamu n’okufuna okubikkulirwa ku byaaliwo, era tujja kulaba nnyo nga Yokaana annyonnyola ensonga ezaakwaata ku byaaliwo..

Yokaana era yawandiika ng’alumbagana n’engigiriza enkyaamu, ng’eya Yokaana Omubatiza(Gye twaalaba mu Bik. 19:17)….. Yye gwaawa ekifo kye ekituufu entakera[ 1:8, 20; 3:28; 10:41] nga mu 3:28 lugamba nti “Mmwe bennyini muli bajulirwa bange nga nnayogera nti Si nze Kristo, naye nga nnatumibwa kumukulembera.”

Ensomesa endala enkyaamu ey’abannostiika gyayambalagana nayo yeyagambanga nti katonda ssi ye yatonda ensi( kubanga baakitwaala nti ebikwaatwaako bibi era ebitalabwaako eby’omuwoyo bye birungi – ate Katonda tasobola kuba mubi…( kabe kasinge ekyaaliwo ne leero…) be yakakasa mu Ss.1:3 nti….. awamu ne mu Ss.3:16 nti…..

Awamu n’okwambalagana n’ensomesa y’aba Dossetisi, eyagambanga nti Yesu yalabika bulabisi ng’omuntu naye teyali muntu waddala, baakakasa mu Ss.1:14…

Nga mu A.D.100, oluvannyuma lw’emyaaka nga nsanvu bukya Yesu ayimusibwa mu ggulu waaliwo engigiriza za Sitaani ezaawakanya okuba kwe Masiya, ne mu Buyudaaya, teebereza bwe guli leero!

Yokaana atukakasiza ddala bulungi nti Yesu yali musajja ddala eyanyiiganga (2:15), Eyakoowanga (4:6), Eyaweebwa emmere kuba yali osanga alumwa enjala(4:31), Era eyanyolwanga n’okkaaba (11:33,35,38), Era eyali mu bulumi ku musaalaba(19).

Okusinga abalala bonna Yokaana atuwa embala y’Obwakatonda bwa Yesu; Ngatulambikira bwe yaliwo nga n’ensi tennatondwa (1:1)(8:58), Okuba kye kimu mu kitiibwa ne Kitaffe Katonda(17:5), Okujja kwe okuva mu ggulu(6:33-38), Okumanya kwe ku byonna(2:25; 4:16,17; 5:6; 11:14).

Obusobozi bwe obwekyeyagalire(Self – determination) (2:4; 7:10; 11; 10:18).

Mu byonna mu bufunze Yokaana atwanjulira Yesu eyali ddala omuntu ate ddala Mukama Katonda. Nga yali afuba okutegeeza abayonaani enzikiriza y’ekikristaayo mu ngeri gyebaandyanguyirizibbwaamu okugikkiriza obutuufu, nga bwa wakanya engigiriza ensobu.

Yokaana ye yali mutabani wa Zebedaayo omuto, nga baali bavubi, awamu ne mukulu we Yakobo. Abaayitibwa awamu bafuulwe abavubi b'abantu. Baali batabani ba Solome, eyali mwannyina wa Malyaamu maama wa Yesu, era bombi nga bwe tumanyi baali banywaanyi ba Yesu nnyo nga mu bayigirizwa be be baalinga ku mwanjo. Yalinanga obukambwe, ate nga mujagujagu(ambitious), ate n'obuvumu. Yye ne muganda we Yesu yabayita batabani ba Laddu!
Mu bikolwa by'abatume yatambulanga ne Peetero, wadde teyali mwoogezi nga yye. Era tumanyi nti ye muyigirizwa mu batume ekkumi n'ababiri yekka atattibwa, oluvannyuma lw'okugezesebwaako okuttibwa entakera n'atafa, nga kwe kuli n'omussa mu butto ali ku kyooto ey'esera!
Mu kuwangaala kwe gamba okutuusibwa mu myaaka 100, empaandiika ye ey'enjiri okuba n'obutereevu bw'ebyaaliwo bukakafu nti mazima ddala yali Mwoyo wa Mukama eyawandiika ekitabo kino ng'amukozesa.

Ate era ebyaafaayo bigamba nti yali Yokaana omukulu ( nga bwe yayitibwanga – okumwaawula ku Yokaana Omutume) eyali omuyigirizwa wa Yokaana eyakwaata empandiiso okuwandiika ebya Yokaana okubituwa, nga yye ne bayigirizwa banne aba Yokaana Omutume baasikirizibwa okumuggyamu bwe gwaali ku bulamu n'obuweereza bwa Yesu Kristo, gwe yafubanga Okukkirizisa buli omu nti ye Masiya, Omulokozi era Mukama wa byonna era bonna wonna, emirembe n'emirembe, olw'okuba n'ekiseera ekiwanvu okubifumiitirizaako n'atuwa fenna kye byaali bitegeeza, tube n'okubikkulirwa okutuufu ku Yye.

Ku bwange, ebyawandiikibwa by'enjiri ya Yokaana kwe kuzimbwa emisingi/ emiyitiro gy'omusingi gw'okukkiriza kwaffe mu Yesu Kristo……